

OMUYIZZI W'EMBOGO

KYAWANDIIKIBWA

KIMULI BOB

EBIRIMU

1.Ekibira Kyasanku……

2.Kawuulu kagezi…….....

3.Bbugubbugu ssi muliro…….....

4.Olwokya enju…….....

5.Atakulekera…….....

6.Enge ensasulanye……

All rights reserved. No part of this publication may be reproduced, photocopied or recorded without written permission from the aurthor.

EKIBIRA KYASANKU

Ssandyagadde kuttottola bikwata ku kyalo kwe nsibuka era kwe nakulira, n'olwekyo kyenvudde nsalawo nkunnyonnyole ekibira Kyasanku, we nnaamalirayo byonna nga ne gye nava owakuba budinda.

Erinnya Kyasanku lyava nno ku jjajjange azaala kitange. Sso nno nga naye okulituuma ekibira kino, lyaviira ddala ku kagga akaakulukutiranga e bugwanjuba waakyo nga koolekera e bukiika ddyo mu kwewetaaweta ng'akasimbuka olw'akasota. Munnange lyajja bweriti nno. Lwali olwo nga jjajja agenda okulima. Naye aba akomawo, kyava yeewetako mu kibira atyabeyo obuku obutadda ka ngalo nsa. Anti naawe omanyi nga bwe zitawoomera balala okuggyako nnyinizo. Taludde abulonderedde. Naye aba abukuŋŋaanya, n'awulira ennyonta. Ko ye nti "Lwaki sisoose ku kagga!" Siikulwiseeyo nga akkirira kagga. Naye aba anywa, obuku ne buserengeta bwokka na bwokka mu mazzi. N'amala n'agenda nga takissizzaako mwoyo. Olulala bwe yajja okutema enku, n'atema enduli mukaaga n'ajja okunywa amazzi. Wazira ng'azirese aziwagamizza mu miti. Yawulira zeesindika n'azisibira ddala ku miti n'azinyweza. N'addayo n'anywa amazzi. Kyokka aba anywa, enduli bbiri ne ziyiringita mu mazzi. Jjajja agenda okukutaamulukuka nga eziriwo ziri nnya. Kyokka bwe yaddamu okunywa amazzi, ne zeeyasa zokka na zokka era yatwala bibajjo. Teyali mubi ng'abuulirako banne, anti naawe omanyi ekitali kyogere bwe kizimba ku mwoyo!

Ekyalo kikuŋŋaanye. Jjajja teyalwa nga agamba banne nti "Akagga kano nkatuumye Katwalamiti." Erinnya erikyakayitibwa ne leero. Ko akakazi akaamuli ebbali nti, "Naye taata, ekibira ekyakutuusizza ku kagga ky'otamanyi oba?" Ko ye nti, "Otyo wamma weebale kunzijukiza." Kyava agamba nti "Engeri gye kiri nti ekibira kino kyasizza enku zange, nkituumye Kyasanku." Erinnya erikyakiyitibwa na guno gujwa. Kale olaba bwe twalifiiriddwa erinnya ly'ekibira kye njogerako essaawa eno ssinga akakazi kali tekajjukiza jjajja! Wamma ddala abaalugera baalutuusa nti "Abayita ababiri beejjukanya enviiri zikubuulira engo!"

Ekibira nno kino kyali kinene, nga kiwanvu ate nga kimalayo emitala ena okugituulako. Mu kibira kino tewali nsolo ndala yonna yali yeetaliramu, okuggyako embogo zokka mpozzi n'obukonkomekonkome obutaggwa kwenjeera buli olukya. Era ekkubo eryayitanga mu kibira kino teryayitwangamu nnyo bantu, okuggyako mu makya ennyo, mu ggandaalo ne mu makola

g’ebyeggulo wokka. Era ng’okuyitamu essaawa ezitali ezo, Mukama n’amala akuvaamu embogo ne zikulaba, bwe kutaba kuwongerera nnyo oba mufu wajjo omulamu akeerewa akedde!

Bwe wabanga ovvuunuka ekibira ekyo ku lusozi waggulu ng’onaatera okuserengeta, walabanga akasiisira akanene ne kannaako akatono nga bwetunuulidde. Awo nno weewaali awaka waffe, nga akasiisira akanene y’enju mwe twagalangatanyizanga ekiwanga mu ngalo, ate kannaako nga mwe tuteekerateekera akawata kaffe akaabuli lunaku.

KAWUULU KAGEZI

Musekuzo lye lyali erinnya lyange ate kitange nga ye Baluma. Mbu mmange bwe yali asekula ebinyeebwa, n’awulira okulumwa n’awummuza omusekuzo wansi. Mu kaseera ako ne nzaalibwa, era bwe natuuka ku nsi nasooka kukwata musekuzo, n’erinnya kye lyava lintuumwa, Musekuzo. Naye waba w’akayita amakungula g’empande abiri n’ekitundu, mmange n’afa kikutuko. Bwe ntyo ne nkula nga ngabirirwa era kitange yeeyankuza.

Kitange yali muyizzi kkungwa. Era ng’oggyeeko akasajja akamu ke baayitanga Nnakumusana, abasajja bonna ab’okukyalo baali bayizzi nga beebo kitange be yayigganga nabo. Nze kitange teyandekanga ka ng’agenze okuyigga okuggyako nga ndwadde oba nga nnina ekisago kye nafunye mu kuyigga eggulo limu. Twayigganga ensolo nnyingi okuva mu bitundu ebirala, oba kaŋŋambe mu bibira ebirala naye nga si mu Kyasanku. Anti nga bwe bakunyumiza abayizzi abaakafiiramu nga bagezaako okuyigga embogo, bw’otakaaba era ekiyengeyenge teweebalama kukifulumya.

Naye lwali lumu kitange n’andaalika nti nneetegeke enkeera tulina gye tugenda okuyigga aweekusifu. Ne nneetegeka. Buba bukya muzeeyi n’anzuukusa nti “Mulenzi gira tugende.” Nange kwe kukwata effumu lyange Kasajjakakulu, akasaale kange Sikwasamukira, n’embwa yange Balikuddembe ne tugenda. Naye yagenda n’effumu lye Sikaabunaku, akasaale ke Sitanensubwa, n’embwa ye Kijja ne tugwa mu ddene.

Twatambula n’ebisanja nga tukuba omusulo, naye ng’omwezi gwaka nga musana! Tetwalwa nga tutuuka mu Kyasanku. Omukulu kyava andagira okusiba ebisanja ku miti okuva we twakyamira mu kibira okutuusa we twali tulaga. Anti obutabuliramu nga tukomawo. Munnange nga tutambula tweyongerayo. Bwe twatuuka mu kafo akamu,

omukulu n’andagira okulinnya omuti nga ndi mwetegefu n’akasaale. Ye nga yeeyongerayo. Yakomawo bukedde bulungi nnyo. Naye we yakomerawo, yatuuka ankoowoola nti “Musekuzo, sekula yiiyo ejja.” ŋŋenda okumagamaga nga ku nnume emuvaako emabega eringa emubanja. Nange saali mubi ne nta akasaale naye ne katagikwasa. Ne nnyongera ak’okubiri era nako ne katakola. N’ak’okusatu ne katakwasa ne buggwawo. Effumu lyangwako ndikasuka era teririna kye lyakola. Awo muzeeyi we yakwatira erirye Sikaabunaku eryali lyesigamye omuti kwe nali n’agisogga mu nfeete n’egwa wansi. Mu kaseera katono, yali tekyali mbogo naye omuyiggo gw’embogo. Nga tugufunye, twagusitula ne Sikaabunaku ne twabulira ekibira.

Twasanga mikwano gya taata bazze okumukima bagende bayigge, kazzi ye yamaze dda. Bwe tutyo ne twokya ennyama yaffe, ne tugigabiranako buli nju okuliraana ekyalo kyaffe kyonna. Mu makola g’ekyemisana, mba ndi ku kyoto njokya mutima gwa mbogo eri ng’enva zange ne mpulira nga omukulu anyumiza banne emboozi ku byali bibaddewo mu kibira bye nali saategedde bulungi era nga byebino.

Yabagamba nti nga andese mu muti luli, yagenda n’azuula akafo akamu omwali obubonero obulaga nti waliwo embogo ttaano eziwummuliramu. Kye yakola, kwe kutereeza obuti n’asibako enkoba n’aziyungako obusaale, n’asibako n’akaguwa akaali kasobola okuta obusaale obwo n’aguleka ng’omutego. Olwo nno obusaale bwolekedde kafo kali we yalaba obubonero nti ssinga zijja ne zituulawo, n’asika akaguwa kali, aba waakuzikwasa.

Okuva olwo, kitange yakeeranga okugenda okulaba embogo oba nga zaateredde. Naye teyazikwasa okutuusa ebiro bibiri empande mwe zikungulirwa nga biyiseewo n’alyoka azikwasa. Era nga bwe yateebereza bwe zaali, embogo ttaano.

Nzijuukirira ddala bulungi nga lwe yazikwata, yandeka nkuma kyoto. Era eggandaalo okutuuka yali mutaka mu Kyasanku. Bwe zaaleetebwa eka, ne zibaagibwa. Abantu bajja bangi okwerolera. Era tewali nju yonna ku mutala gwaffe etaafuna ku ttu lya mbogo ezo. Anti “Ono alya n’oli olya ……” Kino nno kyaweesa kitange ekitiibwa era okuva olwo, abagenyi tebaggwanga waka. Bajje nno na mboozi yokka! Nedda, naye baamuleeteranga ebintu ebitali bimu omwali kyetutumula, endaggu, empande, empoca n’ebintu ebirala bingi. Nange ne nfuna emikwano mingi bwe twazannyanga, bwe twagendanga ku luzzi era bwe twafumanga, naye nga byonna biva ku bumalirivu kitange bwe yayolesa okuyiggira mu Kyasanku. Ggwe ate omwali

mufiiridde abangi! Wozzi n’okukuuma empisa y’obugabi kubanga sisuubira nga abantu baalizzenga ewaffe ssinga kitange teyakwata ku muyiggo gwe n’agabirako abantu abalala.

Omukulu n’andagira okulinnya omuti

BBUGUBBUGU SI MULIRO.

Okwekkiririzaamu kulungi naye sikwangu. Ensonga enjogeza eti y'endeetedde okujja ku mulundi guno n'ebyokya tugabane ffembi. Lwali olwo bbanga siddene okuva kitange lwe yayigga embogo ziri, ne nneegomba ebitiibwa kitange bye yafunanga kko n'ebirabo ebyamuleetebwanga. Bwe ntyo kyenva ndowooza nti yayanguyirwa mu ngeri nange gye nneesobolera. Anti "Engabo gy'otokuttemu……"

Ssaalwa nga nneevaamu kugamba muzeeyi nti "Taata nange enkya ŋŋenda kuyigga era siiwerekerwe." Olwakiwulira, n'amanyirawo nti ŋŋenda eri. ŋŋamba mu Kyasanku, kyokka ye n'atakisiima. Naye nze ne nnemerako ng'owamaddu gwe bagamba nti akola ki? Teyali mubi ng'andeka wabula n'ampa amagezi nti we ŋŋendera, ntwale omuguwa. Ko nze "Gwaki?" Ko ye nti "Omugaso gwagwo onaagulaba ng'otuuseeyo." Nze ne ndowooza nnyo nnyini ddala naye ne sisobola kuzuula muagaso gwagwo. Bwe ntyo ne ngugaana. Enkeera enkoko nagikwata mumwa ne mbagalira ebyange ne njolekera, Kitange naleka mmusiibudde newankubadde nga yali yeebase.

Nga ntuuse mu Kyasanku, nagenda nsiba ebisanja buli we mba mpise nga kitange bwe yakola luli. Anti "Ennyonyi enkulu ……..." Mba nneetuuzizza mbu nninda embogo zijje nkole ogwandeese nzireyo eka, Balikuddembe n'antemyako nti "Tunula emabega." Okutunulayo nga ku sseddume w'embogo ajja yeeswanta kwe nkuba amaaso. Nange saalwa nga nkasukayo ffumu lyange Kasajjakakulu kyokka ne sikwasa. Sitandise okutya nno! Kwe kukwata akasaale kange Sikwasamukira ne nteekayo. Naye ku bwonna bwe nateekayo nakootakoota mu ga bwanda aga lumonde gabikka entumbwe! Ko nze nti kakokolatondeka nnyuma y'anaakola wano! Twaddukira ddala nno akasiraamo okutuusa lwe yansoonookereza okunkwata. Naye ne mpita mu miti egyali giriraanaganye n'ewummulamu. Anti nga tesobola kuyitamu. Kazzi njiye kigaji mu mmere so si munnnyo. Anti okuva awo embogo yangoba olugoba n'eyisa ne Balikuddembe gwe nali nneesiga okudduka. Era mu kisinde ekyaddako, Balikuddembe yeeyali asibye ekkira mu lunyiriri lwaffe nga tudduka. Naye tuba tutuuka mu kkubo bwetuti, kalandalugo n'antega ne ngwa e busukka kkubo ku kirandira ky'omuti ekyali kisituse mu ttaka.

Naye bwe nzibula nti, ng'embogo egudde bbali engulugulu zikuba sikyakyala. Bwe nneeyongera okutambuza amaaso, ne ndaba omukazi atudde mu muti okuliraana we nali ng'alya amatungulu.

Bwe namulaba, ne ndaba n'omuwala ng'ayimiridde akutte effumu antunuulidde. Kyokka emmunye zange bwe zaamukubamu n'atulika n'ansekerera. Awo ne sibitegeererako ddala.

Oluvannyuma namanya nga bwe nali nkyali mu kibira, waliwo omukyala eyali ayitibwa Muwabutwa (tabulwako gw'atta) eyalina muwala we nga ye Nanyonga abaali bava okukima obulo ewa mukwano gwabwe. Bwe baali bayitawo, Nanyonga n'agamba nnyina nti "Lwaki sisoose ne nnogayo ku matungulu?" Ko nnyina nti "Nedda." Ko ye nti "Mpulira ngaagala nnyo." Ko nnyina nti "Kale." Nnyina kwe kutuula wansi w'omuti ogwali ebbali w'oluguudo ate muwala we n'agenda okunoga amatungulu. Ng'amaze okuganoga, yakomawo ne batuula ne balya. Anti mu Kyasanku, bwe wayagalanga okunogamu ekiriibwa kyonna nga amatungulu, ennyonza n'ebirala ng'oliwa ddembe okunoga byonna by'oyagala. Naye nga tokkirizibwa kutwala ka, wabula okuliira awo n'otambula makubo go. Nga batudde, olwo ebibbo by'obulo bwabwe biri bbali, kwe kuwulira omuntu akuba enduulu. Ko Nanyonga nti "Ani oyo?" Ko nnyina nti "Simanyi." Mbu bwe nafubutuka mu kibira bwe nti, embogo n'ebuuka ng'ekangaladde emmalirize. Naye eba ekyali mu bbanga, Nanyonga n'agiyiira ekibbo ky'obulo mu maaso n'etagala. Mu bwangu obutayogerekeka we yagikasuukirira effumu ne ligikwata mu bulago. Okugwa wali nga nkalu yajjo. Bwe bambuuza gye nali mbeera, kwe kubatwala eka nga Nanyonga ansituliddeko ennyama newankubadde ng'omulandira guli gwali gunzigyeeko olususu ku kifuba nga ngwa. Nga tutuuse eka, nanyumiza kitange ebintuuseeko n'ankulisaayo nnyo. Ne yeebaza ne Nanyonga awamu ne nnyina okuntaasa embogo eyo. Anti " Entasiima……..."

Oluvannyuma Nanyonga ne nnyina twabazimbira ensiisira endala basooke bamalewo kko ku nnaku. Naye ne batavaawo, kubanga nabo baabeeranga bokka e busukka Kyasanku.

OLWOKYA ENJU

Nga wayiseewo amakungula g'empande agawerako okuva lwe nawona embogo eri, tuba tutudde ku kyoto tufumba Nanyonga n'afuluma ebweru. Mu lutemya lw'eriiso nange n'ampita. Nga ŋŋenze, kwe kumbuuza nti "Naye Musekuzo." Ko nze nti "Wangi." Ko ye nti "Ggwe emboozi z'ekikadde tozikoowa, kasookedde twatudde ku kyoto tebannava mu ngero za ssewazzike n'amulya ne wakayima ne wango." Ko nze nti "Tezikusanyusa?" Ko ye nti "Mpozzi edda nga tukyali bato naye kati toleeta." Ko nze "Kati onyumirwa ziriwa?" Ko ye nti "Zino ezaffe ez'ekivubuka ezirina ku maanyi." Ko nze "Nga ziriwa?" Aba agenda okuddamu muzeeyi n'ampita nti, "Musekuzo." Ko nze nti, "Wangi." Ko ye nti "Mukolaki?" Ko ye "Mbadde nnyingiza mikalabanda gyange." Ko ye nti "Ate nga wagirese wano?" Awo ne mbunira.

Nga wayiseewo ennaku, Nanyonga yaŋŋamba nga bw'agenda okumpita ekiro nga abakulu beebase tunyumye. Omanyi nze nali nsula ne muzeeyi ate nga ye asula ne nnyina. Nga twebase, mba ndi awo nga mpulira enkwale be kkuluti kkuluti kkuluti kkuluti. Nange nga nfuluma, anti ke kabonero ke nali ow'okutegeererako nti y'ampita. Nga nfuluma. Nga tuli mu mupaapaali twegolodde obw'entoogo, kyava ambuuza nti "Lwaki tosaba muzeeyi wo n'akkiriza ne ŋŋendako naawe enkya mu kuyigga?" Ko nze "Haa, nja kugeezako naye simanyi oba an'akkiriza." Ko ye nti "Naye olowooza muzeeyi wo oyo alina amakungula g'empande ameka?" Ko nze nti "Ndowooza nga nsanvu. Ko ye nti "Nange nno mukadde ali mu ataano eyo ndowooza n'enkaaga." Ko nze nti, "Alabika agaweza." Ko ye nti "Ssinga sibantu bakadde abo abeetaga okukuumibwa ssinga tugenda ne tusenga awalala." Ko nze "Lwaki?" Ko ye nti "Anti ndaba tuswala okusula nabo!" Ko nze "Mwattu nno." Ko ye nti "Mbadde ntidde nti k'ogambe nedda!" Ko nze, "Naye ggwe olina amakungula g'empande ameka?" Ko ye nti "Nga amakumi abiri." Ko nze nti "Wattu tolimbye." Ko ye nti "Ate ggwe?" Ko nze "Ndowooza naatera okuweza abiri mu etaano." Ko ye nti "Awo siwabi weewo wennyininnyini awasaanidde." Ko nze "Awasaanidde okukolaki?" Aba agenda okuddamu nnyina n'amuyita nti "Nanyonga owange?" Kwe kusimbula n'adduka mangu mu nju. Naye nze bwe nagenda mu nju, ne nsanga nga muzeeyi yakoleezezza ettaala afuuweeta mmindi ye. Ko nze "Anti mbadde nfulumyeko katono ebweru." Ko ye nti "Nedda mutabani totawaana kweyogerako, gira weebake oloote ebirooto ebirungi." Awo ne nneebaka nga nsanyuse.

Nga bukedde enkya mu mmindi ya taba ey'olubereberye, muzeeyi n'atuula ne nnyina wa Nanyonga ku kifugi ky'enju yaffe ne babaako bye boogera. Nanyonga yeeyali ku nsonda ng'abawulira. Mbu kitange yabuuza Muwabutwa nti "Wawulidde abaana ekiro bwe banyumya?" Ko Muwabutwa nti "Mbadde mmanyi nti nabawulidde nzekka?" Ko muzeeyi nti "Olowooza tubakoze tutya?" Ko oli nti "Weebakenga kumpi n'oluggi ebigere obiwummuze kuli mutabani wo aleme kufuluma, nange bwe ŋŋenda okukola muwala wange aleme kufuluma." Ko muzeeyi nti "Ekyo siyinza kukikola." Ko oli nti "Ggwe obadde oteesa otya?" Ko muzeeyi nti "Mbadde nteesa tubaleke beetaaye." Ko oli nti "Mbuuza batya?" Ko Muzeeyi nti "Bwe tunaabaleka tutyo tekijja kukola makulu." Ko oli nti "Tekikola makulu kitya?" Ko muzeeyi nti "Anti bw'onaabaleka bw'otyo bajja kubeeranga mu nkukutu oluusi bakolereyo n'ensobi z'onejjusa nga tezikyanogebwa ddagala." Ko ye nti "Woo, awo nkitegedde, naye mpozzi nga mutabani wo oyo amaze kunkakasa anti musajja so si kalenzi." Ko muzeeyi nti "Atya?" Ko Muwabutwa nti "Asooke anjiggire wano embogo bbiri nzifumbe nzirye nsanyuke, nkakase nti asobola okukuuma muwala wange." Ko muzeeyi nti "Nja kumubuuza." Ko oli "Muyite kati." Ko ye nti "Leka tumale okulya ekyemisana."

Oluvannyuma bampita ne bambuulira kye nalina okukola eky'okuyigga embogo ebbiri. Bwe bwakeera enkya, ne nsitukiramu ng'eyatega ogwekyayi ne nfuluma ne ŋŋenda. Naye mba mmalako oluggya, muzeeyi n'ampita. Kwe kumbuuza nti "Watutte omuguwa?" Ko nze " Mbadde ngwerabidde!" Kwe kugunkwasa nga muwanvu ddala." N'aŋŋamba nti "Weegendereze nnyo mu buli ky'okola." Ko nze nti "Kale kitange." Ne nsimbula ne ŋŋenda.

Naye mba ŋŋenda, Nanyonga n'ampita, nange ne nnyimirira. Nga antuuseeko, kwe kuŋŋamba nti, "Beera mwegendereza nnyo, wabula nkusaba onsuubize ekintu kimu nti ojja kukomawo." Ko nze "Kansabe Katonda annyambe." Ko ye nti "Nange kansigale nga nkusabira naye bambi tondekaawo!" Ko nze "ssijja." N'addamu nate nti "Tondekaawo!!" Olwo nno nga gamuyitamu. Bwe ntyo ne nzikirira yogaayoga mu kibira. Natuuka mu budde obutali butuufu kubanga embogo zaali zeetala olwetala, ng'oyinza okulowooza nti zeetegekera mbaga. Mba nsiba ekisanja ekiddirira ekisembayo ndyoke ntandike okuyigga, embogo n'eva mu maaso ng'enjolekedde buteesagga. Ne nziruka nga nzira mabega gye nali nva nneetegule ekibabu sikuba ng'enkola ng'eyaaluli, Anti "Ssekawuka kaali kakulumye……" Ate era "Gw'omanyi enfumita, tomulinda kugalula."

Kyokka mba nkyawammanta ntyo mbu nzira emabega, gye nzirukira neevaayo bbiri. Mba ndi awo ne ku kkono wange ne ku ddyo. Awo ng'ekiyinza okuntaasa kiri kimu kyokka, kulinnya muti. Era mu kutya okungi, we nnalabira akati akakalu nga kawanvu naye nga kaamaggwa.

Ako nno ke nnawalampa, kubanga emirala gyali minene nnyo, nga giseerera ate nga n'amatabi gaagyo gali waggulu nnyo.

Awo kwe kusiba mangu omuguwa mu kiwato kyange, ne nsibirako effumu lyange n'akasaale kange ne nninya mangu omuti. Balikuddembe nali simwerabidde, naye ng'okumusiba kiba kitegeeza kufa. Anti olw'obusirikitu bw'obudde bwe nali nsigazza. Era abaalugera baalutuusa nti, "Omuyonjo omutono gukyamya enkoko ekinsuti." Kuba saalirese Balikuddembe wange oyo ssinga nalina akaseera akamala. Bwe ntyo wakati mu bunkenke ne mpalampa akati ako yogaayoga ku katabi akasembayo ne nsiba mangu empuluttulizo nkasuke omuguwa okuwonya Balikuddembe wange. Naye mba ŋŋenda okugukasuka, embogo ne zijja ne zikasoggasogga amayembe ne zisambirira n'ebisigalira. Mu kifo ky'okuwulira obusungu olw'ekikolwa embogo kye zaakola, nnaku ye yankwata ne nkungubagira nnyo Balikuddembe wange oyo. Kuba twali tumaze ebiro bingi nga tuyigga ffena.

Nze nalowooza nti kezimaze okutta Balikuddembe ate nga nange nninnye omuti, zigenda kuvaawo. Kazzi ndowooza bya Wakayima nga alambuza wango. Anti akataayi okusala olujja, nga zitudde zinninze nveeyo zimmalireko ekiruyi. Bwe nazibala, zaali embogo kkumi neemu nnambirira. Awo ne manya nno ng'okuwona ezo, kujja kuba kukoma ku mugo gwa ntaana! Kyenva nnyimbayo obuyimba bw'obugero bwe twageranga nga tuli ku kyoto mbu nziremu amaanyi, naye nga nsiwa nsaano ku mazzi. Ko nze muli nti "Kasita eggandaalo linaatera okutuuka, bwe zinaaba zikkiridde okweggwera amazzi, nange ne ndyoka nvaayo. Wabula okuva eggandaalo we lyatandikira okutuusa we lyakoma, tewali mbogo yasitukawo, okuggyako endala ey'ekkumi n'ebbiri eyazeegattako. Mba nkyebuuza eky'okukola, ne mpulira nga akati kabwatuka kalinga akaagala okusiguka. Wano ate ne ntandika kuwongerera kati butamenyeka. Bwe keeyongera okubwatuka, ne nzira ku katabi akalala naye ng'amaggwa kye gankola ebigere, enkoko ekikola baana baayo kuba mu kaseera mpaawo we kazira wansi w'ebigere waalinga we basalidde enkoko. Nawulira nga ebiyengeyenge byereeta, ne ngezaako okubigaana naye nga mpala nswaswa ku lwazi. Kyenva nnyeenya omutwe. Naye mu kunyeeya omutwe nti, we nnaajjuukirira ekibuuzo kya muzeeyi nti "Watutte omuguwa?" Ne nkifumiitirizaako. Mba

nkyakifumiitirizaako, akati ne kaddamu ne kabwatuka. Ne ndekeraawo. Bwe namala ne nsangula ebiyengeyenge. Ate luno lwe nzijukira ebigambo bya Nanyonga nti “Bambi tondekaawo.” Ebigambo eby’emirundi egyo ebiri bye byanzaalira ekirowoozo ekyamponya. Mu kiseera ekyo nali nsigazza effumu lyange Kasajjakakulu ng’eky’okwekuumisa. Kuba obusaale bwali bwampaddeko ate aga n’omuggo gwange Kkuulaamalungi nali saagusibye nga ntya okuttibwa embogo nga sinnawawalampa muti. Bwe ntyo kyenva nsiba omuguwa ku ffumu lyange. Olwo mpisizza ne mu kakonda kaalyo obutasumulukako, ne ndikasuka ne lifumita embogo esooka. Ne mmala ne ndisika n’omuguwa ne likomawo gyendi. Ne ndikasuka omulundi ogw’okubiri, era ne lifumita endala. Ne nfumita embogo ey’okusatu, n’ey’okuna okutuusa lwe nafumita eddirira esembayo. Mba ŋŋenda okufumita eyali esembayo, akati we kaasigukira ne tujja yiriyiri yogaayoga ku ttaka. Kasita natonnya ku ttaka nti, ne nnyambalirawo eyo eyali enjolekedde ne ndijisogga n’emalamu. Bwe ntyo ne mmaliriza omulimu ogwantumwa okukola.

ne tujja yiriyiri

Ŋŋenda okutuuka eka, nga Nanyonga atudde n'ebibya bibiri eby'emmere naye nga tali mu kulya. Bwe yandaba n'angwa mu kifuba, n'akaaba olw'essanyu eringi, n'amala naŋŋamba nti "Obwedda nkulinze ojje tulye ffenna. Weebale kutuukiriza kisuubizo." Nga tumaze okugasangula ag'essanyu, twatuula ne tuwooma n'ekirevu ne kizina! Oluvanyuma n'abakulu bankulisaayo nnyo. Ne mikwano gyange ab'okukyalo ne bajja ne bandabako. Era bano beebansitulirako omuyiggo okuguleeta eka, nga ne nnyini kuguntuma nnyina wa Nanyonga ye mujulizi waagwo asooka.

ATAKULEKERA

Sikyabulijjo taata w'omulenzi okugaana omwana we okuwasa naddala nga n'omutwalo gw'abazadde guweerebbwayo eri bazadde b'omuwala. Naye nze muzeeyi yaŋŋaana okuwasa . Nanyonga. Kino kyajja bwekiti. Nga mmaze okukola omulimu nnyina wa Nanyonga gwe yantuma, muzeeyi yamusaba amusalireko essubi bazimbe ensiisira mwe tunaabeeranga nze ne Nanyonga. Naye nnyina wa Nanyonga n'atamwanukula. Anti "Akataazimbe……."

Muzeeyi bwe yamanya nga Muwabutwa azize ekiteeso kye, kwe kuyita Nanyonga n'amugamba nti, "Tokyafumbiddwa Musekuzo, kubanga nnyoko agaanyi kye namusabye so nga nze ne mutabani wange twamuwuliriza luli." Ko Nanyonga nti, "Ate kiki taata?" Ko ye nti, "Tobuuza nnyoko kye yagaanyi, naye njagala owulirize kye njagala okole okunfumbirwa mutabani wange." Ko ye nti "Mpuliriza taata." Ko muzeeyi nti, "Njagala onzimbire ensiisira kkumi n'ebyagi bibiri mu nnaku ssatu. Naye nga toyambiddwako, kubanga ne mutabani wange teyayambibwako nga ayigga embogo," Ko Nanyonga nti, "Mpulidde taata." Nanyonga teyali mubi nga ambuulirako. Anti "Ky'otabuulirako munno……"

Kyenva nteesa naye mmuyambeko mu nkukutu naye n'agaana. Nga bukedde, mukazi wattu yakeera kugenda na byakukozesa omwali nnajjolo ey'okusala essubi, ebyayi, enkata n'ejjambiya. Obutafaananako ye mpozzi, nze sirina bigambo bye namusiibula nabyo kuba byambula. Ggwe ate nnaalimugambye ki? Oluvannyuma nasaba muzeeyi ŋŋende okuyigga kyokka n'aŋŋamba tugende ffenna. Munnange nga tugenda. Nga tuli eyo tuguluba, we nalengerera kayibamukuukulu ne nziruka ŋŋende mmukwate. Ko muzeeyi nti "Olaga wa?" Ko

nze “Njagala kukwata kayibamukuukulu oli.” Ko ye nti “Kale.” Ne nziruka ne ŋŋendera ddala okutuusa lwe nagoba e bukiika kkono Nanyonga gye yali yakutte. Anti kye kyali ekigendererwa kyange ddala. Namusanga omulimu agukwazza kannabwala. Kyenva mmuyita nti “Nanyonga.” Ko ye nti, “Ozze kunnyambako?” Mba sinnamuddamu nnyina we yatuukira ng’aweekeera nti “Otyo, Musekuzo somba mangu enjole ezo nze nnyimirire wali ku lwazi ndabirize. Yanguwa yanguwa.” Nange saali mubi nga ntandika kusomba.

Mba nsombedde akabanga sikanene, ne nnengera omuntu eyeekweka mu kasikosiko nnyina wa Nanyonga gye yali akubye amabega. N’amala n’ankubira ne jjambo. Anti nga ye muzeeyi yennyini sso nga mukazi mukulu amaaso amalidde eri emmanga alinga gwe baalaamira nti, “Totunulangako mabega.” Eky’okulaba muzeeyi tekyangigula ttama kugenda mu maaso na kusomba ssubi, kubanga yampagira ŋŋende mu maaso ye ne yeeyongerayo. Essubi bwe lyaggwa, ne ntema emmuli n’empango z’emiti eby’okukozesa. Anti nabyo twali tubyetaaga.

Ennaku ebbiri ezaasooka zaatumenya nnyo, kuba waliwo ne lwe twasottera akadongo ku mwezi ekiro. Naye ettuntu ly’olunaku olwokusatu we lyatuukira, ng’ensiisira zonna ekkumi zitemya nga muntu. Naye ebyagi ne bitulema. Awo nnyina wa Nanyonga we yasikaasikanyiza muzeeyi ne bagenda okukungula obulo. Naffe ne tulyoka tulwanagana n’ebyagi okutuusa lwe twabikuba oluku mu mutwe. Era enjuba egenda okubulirayo nga buli kimu kissiddwako envumbo, nga mpaawo kibanjibwa.

ENGE ENSASULANYE

Mu kiro ky’olunaku ensiisira n’ebyagi mwe byaggwera, kitange ne nnyina wa Nanyonga buli omu gye yali yalindirira munne ayogere ekiddako naye nga mpaawo anyega. Nga wayise ennaku mwenda okuva ku olwo, muzeeyi kwe kwegogonola n’abuuza nnyina wa Nanyonga ekiddako. Kyokka abuuziddwa n’asuubiza okuwa eky’okuddamu kye nga wayise ennaku nnya.

Awo nga wayise ennaku ttaano okuva olwo, Muwabutwa kwe kubuulira muzeeyi nga bwe nsaanye okukkiriza mpeebweyo okugezesebwa kumu nga Nanyonga sinnamutwala. Muzeeyi n’asirika. Mba ndi awo nga Muwabutwa ampita. Nange ne ssiba mubi ne ŋŋendayo. Kwe kuŋŋamba nti, “Njagala enkya weetegeke ogende mu kibira onjiggire embogo ennamu ogindeetere nange nkuwe Nanyonga.” Ko nze “Kale nnyabo.” Kyokka muzeeyi n’agaana. Ko Muwabutwa nti, “Oba ogaanyi okukkiriza mutabani wo okukola kye mmutumye, nange

sikyamuwadde Nanyonga. Ko kitange nti “Wamma togendayo.” Era mu kiro ky’olunaku olwo, teri ku bakulu yasuulayo munne kagambo nti “sula bulungi.” Nga bukedde, twakola mirimu mirala. Wabula ng’eggandaalo ligenderera okubulawo, Nanyonga kwe kumpita ne tugenda ku lwazi tunyumyemu nga bwe twateranga okukola. Naye tuba tunyumya, kwe kumbuuza nti “Tukoze tutya ku kiragiro kye nawulidde bakulagira.” Ko nze nti “Nnaaligezezzaako ssinga muzeeyi anzikirizza. Naye nga tannanzikiriza ekyo siiregeko.” Tuba tukyanyumya, nga muzeeyi wuuno atutuuseeko. Nanyonga n’asanyuka bwe yajja kuba kyenkana buli lwe twajjanga ku lwazi okunyumya, naye nga atwegattako nga atunyumiza ne ku ntabaalo ez’edda ezaatunyumiranga ennyo. Ko muzeeyi nti, “Nze nabadde ndowooza tomaliridde kugenda. Naye bw’oba omaliridde, nkukkirizza ogende ku mulimu.” Ko Nanyonga nti, “Weebale taata.” Ko nze nti “Weebale kunzikiriza muzeeyi.” Bwekityo okudda eka, natuukira mu kweteekateeka. Era nga Katonda abuggyeeko eddiba, natanula okwambalagana n’olugendo. Naye nga muzeeyi teyalekeraawo kunzijukiza kutwala muguwa. So nno nga mu nteekateeka yange, temwali kugenda na muggo, akasaale, ebitimba newankubadde effumu. Sikuba nga binsimattukako ne nnyonoona omuyiggo gw’omukyala. Anti yali ansabye nnamu. Era mu kino ne ntwala muguwa gwokka. Bwe nali nnaatera okugenda, nalowooza nti Nanyonga akyebase obutajja kunjagaliza lugendo lulungi nga luli kazzi sibweguli. Anti kasita namuyita ajje ebweru, Muwabutwa n’ambuulira nga bwe yagaanyi okuva mu buliri. Era nga anaamukoowoola yenna nnyina amugambe nti taliimu. Nange saalemera ku gannemeredde nga ngwa mu ddene kugenda.

Nga ntuuse mu Kyasanku, mba nnaakasiba ekisanja ekisembayo ku muti ntandike okuyigga, ne nneekanga akakwansokwanso akeenyeenya ku mukono gwange ogulya emmere. Nange ne nkoolekera osanga nnaafuna eky’okukola. Naye omuguwa ne ngusuula nga sigenderedde. Nga nkatuuseemu, kwe kutambuza amaaso naye ne siraba kintu kyonna. Wabula mu kunoonya ennyo, we nalabira ensombabyuma nga esima wansi w’akati ako. Era akati ako okwenyeenya, gaali maanyi ga nsombabyuma. Kyokka mba nkyuka nti nve ku kakwonsokwanso ako, ne ŋŋenda nneekoona ku kwazi n’oluliba ne lubambuka ku bugere obumu. Wabula bwe ngolokoka okulaba we nneekoonye, nga ku lubengo kwenkuba amaaso. Olubengo olwo nneewuunya eyalukola! Era mmuwa ekitiibwa newankubadde simumanyi, kubanga lwali lwakolebwa mu lwazi. Era nga lubajjo olwayasibwa ku lwazi lwe lwawundibwamu okukola olubengo olwo. Naye bakugambe olusitule owulire! Anti ŋŋenda okuwagiikiriza enkonokono zange mbu ndusitula nga terusegukawo newankubadde okwenyeenya. Ne nzigyayo n’ag’omuto naye nga

nfuuyira ndiga mulere. Kwe kusala ag'enkolwa ndusibe ndukulule n'omuguwa gwange waakiri ndutwale eka. Naye ne gutalabika. Wano we nategeerera nti nali ngusudde! Bwe ntyo kwe gugуggyayo gye nali nagusudde. Ne ngusibako ne ngunyweza okwetooloola olubengo. Naye bwe nasika terwenyeenyamu na wadde. Kwe kuyiiya ne nsiba omuguwa empuluttulizo ne ngyessa mu kiwato ndusike. Kyokka n'ateganira busa nga asaba oluwanga obulamu. Bwe nneekakanula ennyo, ebigwo ne ntandika. Ne ngwa ekisooka, n'eky'okubiri n'eky'okusatu. Naye mba ngwa eky'okuna, embogo eyalina ennyindo eyanfaananira omu ku bavubuka be twayigganga nabo erinnya lye Kaddu n'ejja. Ate nalwa, ne ngituumirawo Kaddu. Kaddu ono yali mulume, nga munene, nga alabika mukulu obukambwe bwo ssiibunnyonnyole.

Naye nga tugasimbaganye, ne ntunulatunula oba nnina aw'okuddukira naye agaanoonya obuddukiro gaafa busa. Anti okutunulako emabega wange ng'eggana lyazo liryawo lyewummulidde omuddo gwe gulisiikirizza okundaba. Ku mukono gwange ogwa kkono nga waliyo omukwekwe nnyini gwo ali awo yeeswanta anoonya kulaba ku kiramu. Ntegeeza ttimba. Okutunulako ku gwa ddyo awaali akagga kali ka Katwalamiti nga ggoonya eri ku lubalama erabikirawo n'oluyala ku ngeri gye yali eswakidde. So ng'ebyo tebyagaana mukulu Kaddu kunjolekera. Nga omukulu ono azze, nze nayimirira ku lubengo luli n'empuluttulizo y'omuguwa ne nsirika. Olwo nga ngyeyambudde okuva mu kiwato. Wabula aba agenda okunsogga amayembe ge ati, we nakasukira empuluttulizo y'omuguwa n'emwambala bulungi mu bulago. Nange ne nnaanuula amagulu ne mbuuka nga mmuyita ku lugongo lwe ne ngwa emabega we. Naye nno n'ankuba embooko nga bbiri mmale nsitukewo nga tebulinnya. Ntegeeza nga akozesa omukira gwe. Awo ne nvaawo misinde miyitirivu ne njotta. Era naye n'angoba. Kyokka nga addukira ddala kyenkana ng'embogo bwe zidduka bulijjo ate nga ku mabega ajja babulonda n'olubengo luli. Ekyo mu byonna kye kyanneewuunyisa ne leero. Munnage nga tudduka.

Naye mba nnaakayita mu kasiko k'omunnyango gwe nali nnyingiridde nga ebirowoozo biri ku mbogo, n'egenda ensanga nga nkyeyagula era kata egansogge. Naye ne nneekasuka ku nkonge eyampisa obubi embiriizi. Anti nga mu muddo waliyo obusaana obukalu okwali kubembedde agasaanyi gano ag'amaggwa agabeera genkana ne kasooli omuto. Ago nno gantiisa nga geenaanula gatambula gajja gyendi nga nneevulungula olw'obulumi bw'enkonge mu mbiriizi. Kyokka ebyo Kaddu n'atabimanya nti nabyo gyebiri. Era nalina kubisira ku nkondo ndyoke mpone Kaddu. Tuutwo tudduse, tweyongeddeyo, Lugaba adduukiridde tutuuse mu kkubo. Awo

bwe twasimbula okuva awo, saaddamu kuyimirira. Naye tuba twambuka akasozi okugenda eka, Kaddu n'akyusa obuufu addeyo mu kibira. Ndowooza nga olubengo lumuli bukiika. Kyokka namanya azzeeyo wansi nga anaatera okuyingira ekibira. Nange ne nzirayo ate mmwegayirire addemu angobe buto. Namukoowoola naye nga awulira? Okutuusa lwe namuyimbira ku buyimba n'alyoka akyuka. Naye nno nalowooleza bwereere nti akyuse lwa buyimba bwange. Kubanga bwe namulaba nga akyuka, ne ndyoka ngakuba ku ttimba eyeemulula okutwolekera. Mpozzi Kaddu yali ayise mu kkubo lyayo. Era obutakulimba, nze ne Kaddu twadduka tutaasa bulamu ffembi, so si ye kungoba nga bwe gwali olubereberye. Nga tudduse, twaddukanga anvaako mabega we. Era ndowooza ssinga yawona, yaalinyumirizza abaana be n'abazzukulu ku ttimba bwe yatugoba n'olubengo bwe lwamuleega enkaka ku olwo. Siikulwise nga tutonnya ka ne Kaddu. Naye nga musunguwavu okukamala. Nanyonga eyali mu luggya bwe yatulaba, enju yagiyingira nga muzimu. Ate muzeeyi eyali atudde ku kabalaza nga anywa emmindi, gye yagwa mpaawo yamanyaayo.


Naye nno Ssebusiro buto omugole abuyita buganzi mwattu. Anti nnyina wa Nanyonga gwe twasanga mu nju bwe twamubuulira nti embogo eri bweru, n'asituka n'amaanyi ge amatono agende alabeko. Ndowooza sikuba nga kye mmuleetedde si mbogo. Aba ayaniriza omuyiggo ati, ne gulyoka gumusogga ejjembe. Era ssinga teyeekakanula kuyita muzeeyi amutaase, awo yali tavaawo nga akyassa. Ejjembe eryo nno lyamuyisa bubi. Era twasula ku bunaakya ddi nga tutunula. Anti nga bwe twepampalika mbu tugalangatanya ekiwanga mu ngalo, ng'omulanga Muwabutwa agutema. Nga tusituka tumuwa eddagala. Naye amattansejjere bwe gaali gakyatambulira ddala, nga muzeeyi anoonya lujjo kusirira na kuyengera mulwadde ddagala, kyava akyusa omutwe n'antunuulira. Naye nze nga nnojjola bikoola ku bikolo by'eddagala lye. N'andagira okulekeraawo. N'ampita okumpi n'ekitanda kye. Nange nga nsembedde, kwe kuŋŋamba nti "Sooka oyite ne muwala wange oyo asembere kumpi wano." N'asembera. Kwe kuntegeeza nti, "Mu bulumi mwendi kati mutabani, nkukwasa muwala wange ono Nanyonga. Mukuume kubanga omwagala. Akuzaalire abalongo ofuuke Ssaalongo. Naye kino tokyerabiranga. Wulirizanga kitaawo nga bw'omuwulirizza n'oyita mu byonna. Era tomwerabiranga." N'ayita ne Nanyonga n'amugamba nti, "Ggwe ne munno ono mukwataganenga mubeera bumu, mukuumaganenga mutuule wamu, mwagalanenga muteese kimu, era mulwaniriraganenga musse kimu." Ng'amalirizza ebigambo ebyo, naayongera n'aba bubi nnyo. Era ekinywambogo kyamusanga aserengese ku lukuusi. Eyo enviiri gye zittirira

ng’omuddo, n’emigongo gye bagitambuliza ng’obwato. Nga wayiseewo ennaku okuva lwe twayabya olumbe lwa Muwabutwa, kitange yatulondera ensiisira etusaanira nze ne Nanyonga. So nga naffe gye twali twazimba luli nga tusuubira okugibeeramu olunaku olumu. Kyokka Nanyonga bwe yatuuka okuzaala ng’ennaku zeekulungululidde ddala, yakubawo ezzadde ly’abaana basatu. Era abaana baffe abo baakula bulungi.

Naye bwe nabanga ntambula okwetooloola omutala gwaffe oba egiriraanyeewo, abantu nga bagambagana nti “Omulabye oyo ayiseewo, ye bulijjo ayogerwako, Omuyizzi w’embogo!”

nze ne Nanyonga

This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/